**4th March 2018.**

# OKUWUNZIKA KW'EBIRAGIRO BYA MUKAMA.

**Okuva 31.**

Amakya ga leero mu kuwunzika kw'ebiragiro bya Mukama eri Musa era eri Isirayeri mu nsisinkano Musa gye yalimu ne Mukama okumala ennaku amakumi ana…mu ggeraageranya omwezi gumu ne wiiki ng'emu kitundu mu mbala ya kalenda zaffe, ng'ali waggulu mu lusozi Sinaayi nga bwe twaabuulirwa mu ssuula 24:12-18, nti……..
Mwe tusomesebbwa emiramwa mukaaga ng'ogwa leero gwe gw'omusanvu era nga ze Sande musanvu, kiyite ennaku 43 bw'obala okuva nga 21 Januari okutuusa leero nga 4 Marchi. Teebereza nti okumala ennaku zino zonna mwe tuzze nga bwe tuddayo eka n'awalala Musa ne Yoswa baali ku lusozi, kyokka nga Yoswa ali kkyemmangako yekka ate Musa ng'ali waggulu awuliriza era nga bwaalaba ebimulagirwa Mukama ku nteekateeka z'amweetaaza eri okussaawo ekifo n'empeereza y'okumusinzanga awamu n'abakozi baamu era n'ebyaamu nga bwe tulaba leero…..

Okusooka mu buwunze twaalaba ekiragiro ky'okuleetwa kw'ebyo byonna ebineetaagwa okuzimba n'okkola eby'omu Weema Entukuvu Y'okubeerwa Kwa Mukama byonna mu kyeyagalire n'obumalirivu bw'emitima gyaabwe.
Era twaalaba nti gye bujja, bawaayo nnyo n'okutuuka okuyimirizibwa, [ Okuva 35:20-29; 36:6-7], nga bisusse n'obungi bw'obweetaavu obwaaliwo!

Ne tulaba n'okulagirwa kw'okkolwa kw'eby'omunda mu Weema, mu ngeri y'okuba nti Mukama assa essira ku bukulu bw'okuba nti tutabagana naye okusinziirwa mu by'omunda okusinga eby'okungulu. Omwaali Essanduuko mwe yamugamba okussa Amateeka ge tulaba amuwa leero [25:16,21] okwaali ekisaanikira, nga y'entebe ey'okusaasira. Ekyaatuwa okukkaatiriza kw'okuba nti tusisinkana Mukama mu kusaasirwa kwe okungi gye tuli ng'ekisaanyizo kyaffe ekisinga obukulu. Ekirina otussaamu obweetoowaze obungi gyaali awamu n'entiisa emuweesa okwagala n'ekitiibwa ebingi. Eno ye yokka eyalina okuba Awatukuvu Ennyo. Olwo mu Kifo Ekitukuvu ne mulagirwa okkolwa Emmeeza

y’Emigaati egy’Okulaga, awamu n’Ekikondo ky’Ettaala n’omulundi oguwedde twaalaba alagirwa okusaamu Ekyoto ky’Obuloosa.

Tweyongera okulaba ebiragiro by’enkola n’enzimba ya Weema, awamu n’enkola y’Ekyoto kya Ssaddaaka enjokye eky’okubeera mu luggya lwa Weema nate n’enkola y’oluggya.
Netulaba n’ebyambalo by’Obwakabona awamu n’emikolo gy’okwawulwa kwaabwe.
Ne tusembayo n’okulagirwa kw’okkola kw’Ebbensani omunaabirwa, enkola y’amafuta g’Okusiiga awamu n’akaloosa ebitukuvu eby’okkozesa mu Weema. Gye buggya tugenda kuyitamu mu ssuula nga bino bikolwa ezituyingiza mu kitabo Ky’Abaleevi.

Leero tulaba okulondwa kw’abo abaalina okkola ebyo byonna, kubanga Musa yaweebwa biragiro naye walina okuba abo abanassa ebiragiro mu nkola.
Tusome 31:1-11…..
Bezaaleeri yalondwa Mukama nga ‘Foreman’/Chief Architect era n’omuyambi we Okoliyaabu, (Assistant..). Era tweetegereze nti wadde baalina obumanyirivu Mukama yabajjuza Omwoyo wa Katonda mu ngeri y’okutongoza ebyo bye banaakola ng’ebibye.
Fenna abalina obuvunaanyizibwa mu nsi tukola bye tukola ng’emirimu gy’obuweereza egy’engeri nnyingi nnyo, nga mw’otadde n’abakozi b’ebintu ebiyitirivu obungi eby’ebyeetaago by’obulamu buno, kyokka kikulu nnyo okuba nti bwe tuba nga twakkola byonna mu ngeri eweesa Mukama ekitiibwa kuba y’engeri gye tuba tumusinza bulijjo, tulina okujjuzibwa Omwoyo We. Olwo lwe tuba tusobozesebwa okuba n’okumanya, n’obusobozi n’amagezi mu kkola byonna ebitugwaanidde okkola mu ngeri ennungi eziweesa Mukama ekitiibwa awamu n’ottuwa obumatirivu olw’ebyo bye tukola…..
Abakkolosaayi 3:23,24 zigamba nti……

Mu kumaliriza bwe tusoma nny.12-17…….
Mukama nate abajjukiza nti wadde balina okkola emirimu gino gyonna nga y’agibawadde okkola, tebeerabira okuwummulira mu Yye…. ‘bamanye nga Nze Mukama, Nze mbatukuza.

Wano twongera okkiraba nti wadde lwatongozebwa eri Isirayiri emirembe gyonna, amakulu ga lwo ga mugaso nnyo eri buli mukkiriza eri Mukama era amusinza, nga bwe guli nti ebiragiro bino byonna ebyaaweebwa Musa kwaali kussaawo ntabagano y'okusinzanga Mukama mu ngeri etuwa obutuukirivu gyaali n'okutondebwa kwaffe fenna abantu be.

Lnny.18…..